

# OKUKENDEEZA KU BULABE BWA MACUULE

Ekifaananyi kyakubiddwa Tommy Trenchard/IDRC

August 2022

IMPACT
Transforming natural resource management
Empowering communities

In partnership with Canada

# OBULABE BW'OKUKOZESA MACUULE:

Kumutendera ogusembayo mu kulongosa zaabu, tuteera okukozesa macuule, naye macuule wabutwa nyo. Omukka oguva mu macuule gwa bulabe nyo wadde nga tosobola kugulaba wadde okuguwunyiriza.

Osoboola okukosebwa macuule nga  ayita mu mukka. Omukka guno gwabulabe nyo naddala nga macuule ayokyebwa, naye nemubugumu elya buligyo macuule avaamu ekikka ng'akozesebwa oba ng'alimumukebe ogutagadwa bulungi.



Ekikka kya macuule kisigala mu mpewo,  kitambulira mu mpewo okutuuka mumaka gamwe ate era gungenda  ne mumazzi okukakaana nga gutuuse ne mu byenyanja.



Osobola okukosebwa macuule nga omukuteeko kulya emeere eyononedwa omukka guno oguba mu macuule nga agattiddwa mu cyanide ne gufuluumya omukka ogw'obutwa.

Macuule asasaana mu mubbiiri era asobola okukosa amawugwe, olususu, ensigo n'obwongo. Obulabe bwokukosebwa macuule mulimu; okalubizibwa mu kussa, okalubirizibwa mukutambula ,ekiffu kumaaso, okukankana, obugumba n'obutazaala. Obulabe buno buyinza obutajjilawo, busoboola okutwaala  emyaka era busoboola okubanga tebujanjabibwa.



Macuule era wabulabe nyo ku bakyaala ab'embuto, akosa omwana wadde nga tanazaalibwa.

# ENKWATA YA MACUULE ENUNGI:



Tokozesanga macuule okumpinabaanaabato.



Tereeka macuule mu mukebe omugale obulungi.





Bulijjo kozesanga ebintu ebikutangira obulabe nga  giravuzi, galubindi ne akakokolo akalongoseemu.



Bulijjo koleranga mu kifo ekyo kyokka ekirondedwa, oba akaddiba, mu buddiba buno ng'okakasa nti macuule  tajja kukyafuuwaza wojja amazzi agabulijjo.



Wewale okwokya macuule mulujjudde,kino kya bulabe ddala.



Singa oba ngoyokya macuule, yambalanga akakokolo era kozesa akatooki okukwaata omukka guno.

# OKUKOZESA OBUTOOKI:

Akatooki kuuma akangu akakozesebwa okukwata omukka gwa macuule ogutalabikka n'okuguzaayo mu macuule ow'amazzi asoboola okuddamu okukozesebwa.

Teeka akatooki mukifo w'ogenda okolera. Kino kiyinakubeera wabweru, nga kyesudde okuva kubantu n'ebizimbe.

Teeka akatooki waggulu w'omuliro.

Bwoba nga okozeesa ekika ky'akatooki akakungaanya mercury mu mukebe gw'amazzi. Teeka omumwa gw'akatooki wansi w'amazzi.

Yokya zaabu alimu macuule pakanga macuule yenna afuuse omukka. Ekiseera kikyuka okusiinzira kumuliro n'obungi bwa zaabu alimu macuule.

Linda akatooki kawoole.

**Tosumuluula katooki nga kakyayokya**, singa okikola omukka gwa macuule gujja kutolooka gukutuuseko obulabe.

Tereeka akatooki bulungi ewatali Bantu na mayumba.

# WEWALE MACUULE:

Amateeka g'ensi yonna nag'ensi ezimu gakugira okukozesa macuule buli lwe kisobooka.

Singa oyagaala okwewala macuule mu kulongoosa zaabu, osobola okukozesa enkola endala nga buzedi, okuseyeeya ne ddagala eddala.

Mukaseera kano, kuuma obulamu bwo n'obwabalala.